# Aliisizza muganda we olubatu lwa ppini

Bya ALI WASSWA

OMUKAZI ow'ettima aliisizza muganda we olubatu lwa ppini n'ekigendererwa eky'okumutta atwale ebyobusika bya kitaabwe.

Poliisi y'e Mitooma yakutte Juliet Tushabomwe,45, ku kigambibwa nti, yaliisizza omwana wa kitaawe Samuel Akamumpa,9, olubatu lwa ppini n'addusibwa mu ddwaaliro e Mbarara ng'ataawa.

RPC wa Greater Bushenyi, SP Godfrey Achiria yategeezezza nti, Tushabomwe mutuuze ku kyalo Rweibaare II mu muluka gw'e Kyanziire e Mitooma. Kigambibwa nti, Tushabomwe olwamaze okuwa muto we ppini, yagenze ewa mukwano gwe n'amubuulirako ku ttemu lye yabadde akoze n'amusaba amuwoleyo ku ssente yeetegule ebinaddirira kuba omwana yabadde agenda kufa.

Mukwano gwe ye yatemezza ku Ssentebe w'ekyalo eyayise poliisi n'ekwata Tushabomwe nga tannadduka kuva ku kyalo. Omwana bwe yatwaliddwa mu ddwaaliro, lya Ishaka Hospital, baakizudde ng'alina ppini mu lubuto era ne bamuggyamu eziwera 46.

Mikwano gya Akamumpa baagambye nti, yasoose kulaajana olubuto bwe lumuluma ng'awulira ebimufumita. Yabannyonnyodde bw'aliko bye baamuliisizza byatategeera era bwe baamulagidde okwetaawuluza yafulumye ezimu ku mpiso kwe kumuddusa mu ddwaaliro. Bba w'omukazi, Simon Twinomugisha yagambye nti, wadde nga mukyala we abadde yajja ne muto we mu ddya, abadde amulinako obukyayi.

Yali akyogeddeko eky'okumutta emyaka ng'esatu emabega ng'obuzibu alaba ayinza okutwala ebyobugagga bya kitaabwe ng'ate tebagatta nnyaabwe.



Akamumpa mu ddwaaliro
Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.